# »Engeri ennungamu ey‘okuyiwamu eddagala eriyitiwa Eprinex (eprinomectin) mu kutta ebiwuka«

Embeera y‘obulamu bw‘ensolo esalawo ku mutindo wamu n‘obungi bw‘ebintu ebivaamu era kino kikosa eby‘obulunzi.

Obujjanjabi bw‘ensolo nga bw‘eri enkola yeby‘obulamu ennungi eri ebisolo, eddagala lya eprinex- ery‘okuyiwa lweddagala erikolebwa nga likozesebwa wabweeru kulususu lw‘enyana, ente enkazi wamu n‘ennume wamu n‘ente z‘amata wamu n‘eziyonsa ku dundiro.

## Engaba ye ddagala

Nga eddagala lya eprinex ligabibwa nga linyigibwa – kozesa enkola y‘okupima nga bw‘oyiwa oba okozese akapima, buli kiseera sabika engalo nga okwata kuddagala eritta ebitonde. Mu kunyiga kozesa enkola y‘okupima nga oyiwa, kozesa 250ml oba mukalobo ka 1 litre.

Mukw‘ongerako, tandika nga oyingiza olupiira kuntandikwa ya kasaanikira akaawakati. Sumulula akasaanikira k‘okungulu okuva waggulu w‘akakebe era osibe akasaanikira akaawakati kungulu ku kakebe era opime ensolo olw‘ebipimo byeddagala ebituufu. Kyuusakyuusa akasaanikira ku njuyi zonna okuteeka akuuma akakuba eddagala eri obuzito bw‘ensolo era obuzito bwebuba nga buli wakati w‘eipimo, kozesa ebipimo ebiri wagulu.

Mungeri y‘emu, nyiga akalobo mpola mpola okujuza akakebe kukipimo eky‘etagisa era yiwa kumugongo gw‘ensolo okuva ku bango okutuusa kumutwe gw‘omukira okutuusa nga ekipimo kyonna

kiweddeyo. JJako akasaanikira ak‘awakati oluvanyuma lw‘abuli lukuba era ozeeko akasaanikira akalala ak‘okungulu kulw‘okutereka okulungi. Ebipimo bya 2.5 litres, 5l ne 20l biyina okozesebwa n‘akuuma akakuba eddagala.

Teeka obuuma wagulu w‘abuli kapiira era oteeke akapiira akakozesebwa mukukuba eddagala ku kuuma akakuba eddagala akasaanidde kwaasa oludda lw‘akapiira olulala kukasaanikira. Seereza obuuma okutuusa ku kuuma akakozesebwa mu kuba eddagala okw‘ewala akapiira okw‘eweta mu kukuba eddagala n‘oluvanyuma, sikiza akasaanikira ak‘okungulu n‘ako akakwata ku kapiira era mpola mpola kebera akuuka akakuba eddagala okulaba nga tekatonya.

Mukw‘eyongerayo, pima ebisolo, era yongeza ekipimo nga ogoberera endagiriro y‘abakola eddagala era endagiriro eno era ekolanga okulambika kunkozesa n‘enkuuma y‘akuuma akakuba eddagala wamu n‘akapiira.

Ekisembayo, yiwa eddagala kumugongo gw‘ensolo okuva ku bango okutuusa ku mutwe gw‘omukira okutuusa nga ekipimo kyonna kiweddeyo.